# Bayibuli y'abaana abato
## Ekwanjulira



# Noowa n'omujjuzo gw'amazzi

Yawandiikiddwa: Edward Hughes

Ebifaananyi bya: Byron Unger; Lazarus;
Alastair Paterson

Yakozesebwa: M. Maillot; Tammy S.

Yavvuunulwa:
Rev. Fr. Dr. Francis Xavier Mbaziira

Yafulumizibwa: Bible for Children
www.M1914.org

©2020 Bible for Children, Inc.
Olukusa: Okkirizibwa okukoppa oba okufulumya
bino, Ebinyumizibwa kasita bitaba bya kutunda.

Noowa yali muntu asinza Katonda. Abalala bonna baakyawa Katonda era baamujeemera. Lwali lumu Katonda n'agamba Noowa ekintu ekitiisa.




Katonda yabuulira Noowa nti: "Nja kuzikiriza ensi eno ennyonoonefu. Ab'omu maka go bokka be banaata- lizibwa."

Katonda n'alabula Noowa nti omujjuzo gw'amazzi gujja kujja gubikke ensi.



Katonda n'awa Noowa ekiragiro nti "Zimba mu mbaawo ekyombo ekisobola okugyamu ab'omu maka go n'ensolo nnyingi."



Katonda n'abuulira Noowa byonna by'ateekwa okukola. Olwo Noowa ne yeemalira ku mulimu.





Abantu oboolyawo basekanga busesi

Noowa ng'abann-yonnyola ensonga emuzimbisa ekyombo.



Noowa n'ayongera okuzimba. Era n'ayongera okubabuulira ku Katonda. Tewaaba bamuwuliriza.



Noowa yalina okukkiriza kunene. Yakkiriza Katonda neewakubadde tewaali nkuba yali etonnye.



Kyaddaaki ekyombo ne kituuka okutikkibwamu ebyetaagibwa okukiteekamu.

Olwo ensolo ne zijja.



Katonda n'aleeta musanvu musanvu ku z'ebika ebimu, ate bbiri bbiri ku z'ebika ebirala.



Ebinyonyi ebinene n'obutono, ebisolo, omuli obutono n'ebinene, ne biyingira mu kyombo.





Oboolyawo abantu bayiira Noowa ebivumo ng'atikka ebisolo.

Tebaalekera awo kukola bibi binyiiza Katonda. Era tebaasaba kuyingira mu kyombo.





Kyaddaaki ebisolo n'ebinyonyi byonna ne bikkalira mu kyombo.



Katonda n'ayita Noowa nti: "Yingira mu kyombo ekyo ggwe n'abomu maka go."



Noowa ne mukazi

we ne batabani be abasatu ko ne bakazi baabwe ne bayingira mu kyombo.



Olwo Katonda n'aggalawo oluggi.



Awo enkuba n'ejja, n'efukumuka nnyo ku nsi okumala ennaku n'ebiro amakumi ana.



Omujjuzo gw'amazzi ne gubikka ebibuga n'ebyalo.



Enkuba
bwe yakya,
n'ensozi empanvu
zaali zibulidde mu mazzi.
Ebiramu byonna ebissa
omukka ne bifa.



Amazzi bwe gaasituka, ekyombo ne kiseeyeeya kungulu.



Munda mwandiba
nga mwalimu
enzikiza, oboolyawo
kyagendanga
kyekoona, mpozzi
n'okuba eky'entiisa.
naye ekyombo ekyo
kyawonya Noowa

omujjuzo gw'amazzi.


Omujjuzo gw'amazzi nga gumaze emyezi etaano, Katonda n'asindika embuyaga ekaza.

Ekyombo ne
kigende mpolampola, ne
kyewogoma mu nsozi z'e
Ararati.




Noowa n'asigala
mu kyombo ennaku
endala amakumi ana,
amazzi
nga
bwe
gakendeera.

Noowa n'atuma Namunngoona n'ejjiba ng'abiyisa mu ddirisa ly'ekyombo. Ejjiba bwe lyabulwa awakalu we lirinnya ne likomawo mu kyombo.



Bwe waayitawo wiiki emu Noowa n'addamu okugezaako. Ejjiba ne likomawo n'akakoola akabisi ak'omuti gwa Uliva mu kamwa kaalyo.



Nga wayiseewo ennaku endala musanvu Noowa n'amanya ng'amazzi gakalidde ku nsi, kubanga ejjiba teryakomawo gy'ali.

Katonda n'ategeeza Noowa nti obudde butuuse okuva mu kyombo.



Noowa n’ab’omu maka ge ne baggya ebisolo mu kyombo.



Noowa yeebaze nnyo Katonda.




N'azimba alutaari n'asinza Katonda eyamuwonya omujjuzo gw'amazzi, ye awamu n'ab'omu maka ge.


Katonda
n'asuubiza
Noowa
ekyewuunyisa
nti ...



... takyaddamu kusindika mujjuzo gwa mazzi

kubonereza bantu lwa bibi byabwe.

Katonda n'awa akabonero akanajjukizanga ky'asuubizza. Akabonero ako ye musoke ow'oku ggulu.



Noowa
n'ab'omu maka
ge ne batandika
obulamu obuggya
ng'omujjuzo



gw'amazzi
guweddewo.

Nga wayise
ebbanga, bazzukulu
be ne baddamu
okuzzaawo
abantu

mu nsi yonna.




Ab'amawanga
gonna mu nsi yonna
baava mu Noowa
n'abaana
be.

# Noowa n'omujjuzo gw'amazzi

Ekinyumizibwa okuva mu kigambo kya Katonda, Bayibuli

Bisangibwa mu

Entandikwa 6-10

"Ekigambo kyo we kiyingira. Kireetawo ekitangaala." Zabbuli 119:130

Enkomerero

Kino ekinyumizibwa mu Bayibuli kitubuulira ku Katonda waffe eyeewuunyisa era ayagala tumumanye.

Katonda amanyi nga twakola ebintu ebibi, by'ayita ekibi. Ekibonerezo ky'ekibi kufa. Naye Katonda akwagala nnyo, kyeyava atuma Omwana we, Yesu, okufiira ku musaalaba, abonerebezebwe olw'ebibi byo. Olwo Yesu n'akomawo mu bulamu, era n'addayo ewuwe mu Ggulu. Bw'okkiriza Yesu, n'omusaba akusonyiwe ebibi byo, ajja kubikola. Ajja kujja abeere mu ggwe, era naawe obeerenga naye olubeerera.

Bw'okkiriza nti kino kyamazima, gamba Katonda nti: "Yesu Omwagalwa, nzikiriza ng'oli Katonda, era nga wafuuka omuntu, olyoke ofe olw'ebibi byange, era kaakano waddawo okuba omulamu. Nkusaba ojje mu bulamu bwange, onsonyiwe ebibi byange, nsobole okuba n'obulamu obuggya, era lukye lumu, mbeerenga naawe olubeerera. Nnyamba okuba omuwulize gy'oli, n'okuba omulamu
ku lulwo nga omwana wo. Amiina.

Somanga Bayibuli onyumyenga ne
Katonda buli lunaku.
Yowanne 3:16